| Essomo 14 | الدرس الرابع عشر |
|---|---|

# SHIRIKI NEMITEEKOGYE:

Shiriki – yemuddu okuteeka ku Allah ekisinzibwa ekirala mubulezibwe, nemukumusinza, nemumanyage, nebitendobye.

**Ne shiriki elina emiteeko ebiri;**
Elina omuteeko ogwo munene ne Shiriki omutono.

**Asooka ye Shiriki omunene:**
Shiriki omunene kwekukyusa ekintu kyonna ekimanyiddwa nti ibaada n'okikolera omulala yenna atali Allah. Era omuntu abeera akoze Shiriki abeera wakuyingira mu muliro agubeelemu emirembe n'emirembe songa afa nga teyenenyezza, era Shiriki oyo ayonoona emilimo gyomuntu gyaba akoze nga bwagamba Allah mu Surat Aniam aya 88.

"Agamba Allah nti singa kaabatanda nebangattako ekintu ekirala (nandisazizzaamu) nandyonoonye ebyo byonna byebaali bakola. Era Shiriki omunene Allah tamusonyiwa muntu amugudde mu okujjako nga yenenyezza olwenenya olwanamaddala olwa sikyaddira agamba Allah mu Surat Nisa aya 48:

Agamba Allah nti mazima katonda tagenda kusonyiwa muntu yenna amagasseeko kintu kilala (nafa nga teyenenyezza) wakiri alisonyiwa ezzambi eddala eri oyo gwaliba ayagadde mazima omuntu agatta kukatonda ekintu ekirala abera omukonjedde nga akoze ezambi eddene ennyo.

Ne mumiteeko gya Shiriki ono omunene kwekusaba atali Allah oba (okweyama) okwetema Naziri oba okusaala ngasalira atali Allah, oba okuteekawo Katonda omulala nga omwagala nga bwoyagala Allah. Agamba Allah mu Surat Baqara aya 165 nti:

Agamba Allah nti ne mubantu mulimu abeteelawo bakatonda abalala nebabasinza nga babaagala nnyo nga bwebagala Katonda (oba nga abakkiriza bwebaagala Katodna)

## N'ogwokubiri ye Shiriki omutono:

Ne Shiriki ono omutono kyekyo kyonna ekyayitibwa Qurane ne Sunna nti shiriki omunene gwetulabye era guno omuteeko gwo tegujja nyinigwo mubusiraamu naye nga gukendeeza Tawuhiidi w'omuntu nga ne shiriki ono abeera mubino, gamba nga okola omulimo olwakabandabe bampaane oba bampulire bampaane oba munjogera nga bwoyinza okugamba nti Allah bwanaba ayagadde naawe n'oyagala oba singa tabadde Katonda naawe era n'okulayira atali Allah, ewatali kuba nanzikiriza mu mutimagwo egamba nti oyo gwolayidde asobola okutuusaako akabi oba okugasa ewatali Allah kuba bwoba yeyo enzikiriza gyolina ate olwo abeera shiriki omunene.
Era abeera shiriki omutono omuntu okugamba nti bwanaba ayagadde Katonda ne gundi naye nayagala, kale nebirala ebifaanana bityo, agamba omubaka SAW mu Hadiith eyawandiikwa Imaam Ahumad nti:

Agamba nabbi SAW nti ekintu kyensinga okubatiisa mubyembatiisa ye Shiriki omutono, nebamubuuza kuye nagamba nti (riya) kabandabe bampaane oba bampulira bampaane, era nagamba SAW mu Hadith eyawandiikwa Abu Dawuda:
Agamba SAW nti omuntu alayira ekitali Allah abeera akoze Shiriki, era nemumilimo egiyingira mu muteeko guuno byebikolwa nga okusiiba eyirizi, okwambala ebikomo oba okwesiba ewuzi nti bino bitangira ebizibu nga endwadde n'ebirala ate singa omuntu abeera nenzikiriza egamba nti bigasa kukujjawo obulwadde nebizibu oba okuleeta obulungi gyali byo byennyini bye bikikola so si nti Katonda abiyisizaako nga banna shiriki era bwebalowooza ate olwo oyo abeera shiriki omunene.